# Aba ppaaka e Bwaise beekokkola ttakisi ezitikkira ku nguudo

Bya SARAH ZAWEDDE



Kiwanuka



Ppaaka y'e Bwaise bw'efaanana. Mu katono ye ssentebe waayo, Muzamiru Ndibo.

ABADDUKKANYA ppaaka ya ttakisi e Bwaise beekokkodde KCCA olw'okulemererwa okugoba ttakisi ezitikka n'okutikkulira ku luguudo.

Ssentebe wa Bwaise Terminal Taxi Park, Muzamiru Ndibo yagambye nti, ppaaka eno egaanye okukula olwa ttakisi ezitikkira ku luguudo mu Bwaise. Agamba nti, KCCA yateekawo ekifo kya yiika munaana n'ekitundu ekisobola okusimbamu ttakisi 10,000.

Yategeezezza nti, ttakisi ezisimba ku mabbali g'oluguudo naddala ezigenda e Kasubi – Nansana – Namungona zibabobbya emitwe kuba bano bassaawo ppaaka ey'ekimpatiira. N'agamba nti, kyali kirambikiddwa nti abasaabaze abavudde e Bweyogere – Kaleerwe, balina kuyingizibwa mu ppaaka eno, abamu baveemu olwo abalala beeyongereyo e Namungoona – Nansana – Busega.

Yeemulugunyizza ne ku bodaboda ezisimba abattakisi we baagobwa. Ndibo yagambye nti, abattakisi we baabagoba, ababodaboda baawambawo nga we basimba ne bawamba abasaabaze!

Ate Hannington Kiwanuka ow'ekibiina ekigatta aba bbaasi ekya **Freedom of the Uganda Bus drivers Advocacy** nga y'avunaanyizibwa ku bbaasi ezigenda mu mambuka yagambye nti, KCCA ne poliisi be balina okukaka bbaasi ne ttakisi okuyingira mu ppaaka. N'agamba nti, era kibakakatako n'okugoba bodaboda ezisimba abattakisi we baagobwa.

Kiwanuka yagambye nti, aba ttulafiki basaana okussaawo engassi ku bbaasi ne ttakisi ezitikkira ku nguudo, kitiise abakikola basobole okwesogga ppaaka.

Yatangaazizza nti, mu ppaaka eno mulimu ekifo bbaasi we zirina okutikkulira abasaabaze n'ekirala we zirina okutikkira abasaabaze abakwata ku nguudo ez'enjawulo kyokka tewali bbaasi yali erinnyeeyo!

## KCCA ETANGAAZIZZA

Omwogezi wa KCCA, Daniel Nuwabine yategeezezza nti, bagenda kulondoola ensonga eno. Yagambye nti, tewali nsonga lwaki bbaasi yandibadde eyingira ekibuga okwongerayo omugotteko nga waliwo ppaaka e Bwaise.

"Tugenda kukwatagana ne Town Clerk mu Kawempe n'abakozi abalala tulondoole ensonga eno era tugitereeze," Nuwabine bwe yategeezezza.

## *Abantu bye bagamba*



AMIR Kitooke : Paaka yaffe tugyenyumirizaamu kubanga ekola emirimu mu ngeri entuufu naye KCCA esuddeyo gwa nnaggamba mu kugoba bbaasi ne booda ku nguudo. Ttakisi zonna baziyingize mu ppaaka.



Muhammad Ngobi : Twagala KCCA egobewo emmotoka ezitikkira ku makubo kuba zitulemesezza okukola. Ppaaka ssinga etuuse wala naye abatikkira ku kkubo batutwalako abasaabaze.



Godfrey Ndisonyiwa : Ppaaka yeemalirira kuba ekifo kigazi era emmotoka ezigenda mu bitundu byonna mweziri. Ekisigadde, kwe kugoba ttakisi ne bbaasi zigiyingire, tuwone akavuyo.